Mujje Baana Bange

Fr. Vincent Kateregga.



2. Ye nze ntanada yammwe,ey'olugendo lwammwe
Mujje nze mbatuuse, ewa Taata gye nva.
Gy'ali abalindiridde (mwenna) musembere okugabana
kubanga abalinze, mu bulamu obw'emirembe.

3. Ye nze kkubo erituusa,mu bulamu obw'emirembe
Ye nze bulamu bwammwe, era amazima gammwe,
Ssinga munzikiriza, Ssinga mungoberera.
Mwenna nze mbatuusa, mu bulamu obw'emirembe.

4. Ye nze muti ogutinta, nga mmwe matabi gange.
Mmwe mwekwaate ku nze, muleme okufa okuvunda,
Ye mmwe amatabi gange, munyweere ggulu ggulu,
Nga mwekutte ku nze. nzekka obulamu bwammwe.

5. Ye nze musumba wammwe, ow'okuliisa endiga
Ezaabula nzinoonya, zidde eka mu kisibo.
Zoona eziyongobedde. ezo nzijjajaba.
Mudde mu mukwano. ogwa Taata wammwe.